**16th October 2016.**

# OMUKISA GWA MUKAMA GWE GUGAGGAWAZA NE KUTAGATTWA BUYINIKE.

**Lubereberye 30:25 – 31.**

Amakya ga leero nga tweyongera okusomesebwa ku bulamu bwa Yakobo, tuli mu kitundu mwe tulaba okukakkanyizibwa kwe, tweetegereza nga Kojja we, naye kennyini we baakikakasiza nti omukisa gwa Mukama gwe gwaaleetawo enkulaakulana n'okwaaza mu bbo, wadde tebaamukkiririzaamu ddala kumweeweera ddala okumusinzanga oba omugulumiza olw'ekitiibwa ekimusaanidde, ekyabalobera okuganyulwa obulungi mu mikisa gye gyebali.

Nny. 25 – 30……Laakeeri bwazaala Yusufu (Mukama annyongere omwana omulenzi) ekivume kyaali kimuggiddwaako eky'obugumba, naye teyeesiga Mukama, kubanga y'abba ba katonda ba kitaawe nga bwe tunaalaba mu ssuula eddako, ate n'abezibika ng'awoza okuba mu nsonga z'abakyaala, bba we gye yamukolimira okufa mu butanwa, era gye buggya afiira mu luzaalo ng'azzaako Yusufu bwe yali azaala Benyaminin nga bwe tunaalaba mu ssuula 35.
Naye mu kaseera kano, Yakobo yawulira emirembe okudda ewaabwe, n'omukyaala gwasinga okwagala atali mugumba. Kyokka kojja we n'amugaana asobole okwongera okumufunamu, tujjukire nti bombi baali balimba era bakumpanya nnakinku.

Nny.31 – 43…. Wadde Labbaani yalabanga Yakobo eyali amuteeserezza obulungi olw'engeri ebisolo ebyamabala g'ebibomboola (bugondo ne bitanga), bwe bitaayalanga nnyo, era n'okuggyamu enkazi mu zzo n'aziggyamu, teyasuubira nti baali bagenda mmuyiiya ayitire buyitizi, Yakobo yeefunire amagana amagimu era amangi, ekyaaleetera obuggya gyaali okuva mu batabani ba Labbaani.

31:1 – 3….. Obuggya butera okubaawo eri abo abaweereddwa omukisa gwa Mukama ne bagaggawala, naye kibi kubanga kireeta okwawukana, n'ennyombo nga I Kkol.3:3 bwe kyavumirirwa Paulo Omutume ne Yakobo 3:16 olugamba nti "Kubanga awaba obuggya n'okuyomba, we waba okutabuka na buli kikolwa ekibi.

Nny 4 – 16……Yakobo kwe kumatiza bakyaala be baamuke ewa kitaabwe boolekere e Kanani nga n'okusiibula tebasiibudde kitaabwe nabo ne bakikkiriza.

Era nga bwe balugera nti akufumbira ey'omutwe omufumbira ya bigere, Yakobo yasalawo badduke Labbaani nga bwe tusoma mu nny.17 -21.

Labbaani naye teyakitwaalira wansi kuba ne bakatonda be teyabasangawo bwe yadda okubeebuuzaako! Naye oba baali bagwaana ekitiibwa ky'obwakatonda babbibwa batya? N'okutuulwaako ne batuulwaako?
Nny. 22 – 55. [Weetegereze eby'okwetegereza]

Waaliwo obukuumi ku Yakobo okuva eri Katonda wa ba kitaabwe ate gwe yali tannakakasa okuba owuwe kubanga takyasanguza wadde n'ogumu!

Eyava ewaabwe n'engoye ze zokka, oba n'omuggo n'eddiba ly'amazzi, addayo n'ezadde,n'abakyaala, n'amagana, n'abakozi mu bungi. Ddala yali akulaakulanyizibbwa, naye ol'wobutamanya Mukama katonda wa ba kitaabwe ng'owuwe ddala, yali ajjudde okutya n'okwelariikirira.